# Okuyiga Ku Nkola y'Emizimu

## Omutendera Ogw'Omubiri

Kati si . . . ? . . . [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] Guno gwe mulundi gwe nsookedde ddala okukikola mu nkuŋŋaana zange zonna kasookedde ntandika kubuulira. Kino kiseera kipya. Ow'oluganda Baxter yagenze; ate—ate Ow'oluganda Bosworth ali mu Buyindi, manya, ali mu Afirika; ate Ow'oluganda Baxter ye, ssimanyi na gy'ali. Aliko gye yagenze, n'abalala bonna baliko gye baagenze. Kale nze ne Billy tuli wano ffekka, kale tulina akaseera akalungi: tugolokoka, ne tutta kye tusse ne tukirya. Kale, muli tu—tuwulira nti ob'olyawo tusobola, Mukama nga atuyambye, tusobola okugenda mu maaso n'olukuŋŋaana, ku bwaffe. Eyo y'ensonga lwaki nsanyuse okulaba nga lweyongerayokko mu maaso katono, olw'ensonga eyo emu. Nzikiriza Mukama ajja kutuyamba okukikola. Kati, omanyi waliwo . . .

Akakiiko akaddukanya obuweereza bwange nkaagala. Nnina ab'oluganda abalungi ddala abaagalwa, Bosworth, Baxter, Lindsay, Moore, bonna, kaliko abantu bataano, Baron von Blomberg. Basajja balungi nnyo nnyini. Naye waliwo ekibeerawo, buli lw'obaako ekibinja ky'abasajja b'okuŋŋaanya awamu, omu abaako ekintu ekimu ky'aba nakyo, nga omulala alina kirala. Ate nga oluusi ebyo biba bikontana ne kye ndowooza nga nze. Kale mpu—mpu—mpulira nga kati ndi wa ddembe. Tusobola okubeera n'ekiseera ekirungi, ne tufunya bufunya ku mikono gya ssaati zaffe, ne tulya. Bwe ndowooza ku ky'okufunya emikono gy'essaati yo n'obeera n'ekiseera e—ekinyuvu.

Bayibuli yange eyasooka bwali butonde. Ebikwata ku Katonda nnabiyigira ku butonde. Ate nnyumirwa nnyo okuloba ebyennyanja. Bannange nga nnyumirwa nnyo okuloba ebyennyanja! Naawe onyumirwa okuloba ebyennyanja, mutabani? Bw'oba onyumirwa okuloba ebyennyanja, ate nga oyagala nnyo maama wo, ogenda kufuuka omulenzi omulungi ddala. Era n'okukyusibwa kwange bwe nnakyusibwa byonna tekwabinzigyamu. Kati lumu nnali eyo mu nsozi, nga ŋŋenze okuloba ebyennyanja. Kati, kino nkyogera ku lwa muvubuka ono omuto. Nnali ndoba byannyanja waggulu eyo mu nsozi . . . Weewaawo, n'eri abato bonna abalala, abatudde wano. Kati nnali ndoba mpuuta. Era, ha, kibeera kiyitirivu nnyo mu kiseera eky'omusana. ŋŋenda bwentyo, era waaliwo empuuta eyali awo mu kinnya ekiddako, omanyi, nga eri omwo. Nga bwe ntendereza Mukama nga ndi mu kaseera akalungi ddala, nga eno bwe

ndeekaana. Nga bwe ngira, n'eddobo lyange ne ndikasuka n'eri. Nzikiririza mu kuleekaana. Amiina. Ddala nkukkiririzaamu. Kubanga, mmanyi waliwo ekinkwata, ne kibaako eky'enjawulo kye nkikola.

2 Kati nnali nnaakavaawo katono ku olwo ku makya, naye bwe nnakomawo, waaliwo ekintu ekyewuunyisa ennyo ddala: Mu kitundu ekyo waliyo amalubu mangi nnyo, mu New Hampshire. Nninayo akafo kange engulu eyo, gye ndoba ebyannyanja. Kale nnalinayo ka weema akakadde ke nnali nnasimbayo, ka weema akakadde ak'ensonda essatu mwe nnasulanga. Kati eddubu eriddugavu kye kintu ekisinga okuba eky'ettima kye wali olabye. Kaakati, waaliwo eddubu ekkazi n'obwana bwalyo obuwerako gaali gayingidde munda mu ka weema ako, nga ka weema kange konna gakatankuteddetankudde!

3 Kati, ddala eddubu eryo mulowooza nnali nnina kulikolera ki, eddubu eryo bambi li nnakazadde eryalina ebyoya ebyo ebimyuufu, nga liri munda omwo? Nnali nnina kulifubutula bufubutuzi, si bwe kiri?

4 Naye kati kiikino kye lyakola. Lyayingira munda, ka weema kange konna ne likayuzaayuza ne limansa buli kimu, ne lirya emmere yange yonna eyalimu, kweggamba ne lyekola ekigenyi. Kati bwe nnajja, ne lifubutuka ne lidduka. Ne lireekaana nga liyitayo obwana bwalyo, akaana akamu ne kadduka ne kagenda nalyo. Naye akalala kko tekadduka; kaasigala katudde. Kaali kankubye omugongo, bwe kati, nga kalina kye kakola. Kati ssaalina kintu kyonna mu ngalo okuggyako akabazzi. Waaliwo emiziru gye nnali ntemaatema erudda awo. Kati, eddubu lino lyafubutuka ne lidduka ne ligenda, ndowooza, nga ku kikondo ky'essimu kiri wabweru wali, ne lituula wansi. Ne liyitayo akaana kaalyo kano, naye nga tekeefiiraayo yadde. Ne kasigala nga katudde.

5 Muli ne nneebuuza nti, "Akantu ako kakola ki?" Ne ntambula ne nsemberako katono. Nga ntya okukasemberera ennyo, nga ntya nti si ku lwa nga kankwagula. Nnali—nnali si—nnali sirabawo muti kumpi awo, ate nga nkimanyi nti ne bwe gwandibaddewo nako kasobola okuwalampa. Kale, nnali ssaagala kukasemberera nnyo, kubanga amalubu mmanyi bwe geeyisa. Kale, kye nnakola nnasemberako katono. Kati mumanyi ekyabaawo?

6 Kati, mpoomerwa nnyo kabalagala. Bavubuka ku mmwe bameka abawoomerwa kabalagala? Ha, bannange! O, nja. . . N'abavubuka bano wano, nabo bubawoomera. Mbalabye nga bayimusa emikono gyabwe. Ffenna bu kabalagala obwo butuwoomera nange bumpoomera okukamala, era njagala nnyo okubuyiwako omubisi gw'enjuki. Ate engeri gyendi Mubaputisiti, nga bwe mumanyi, ekyo kye kituyamba okwezza obuggya, omanyi, gwe mubisi gw'enjuki, omanyi.

Kale, ate muwulirize kino, sibumansirako bumansizi, wabula mbubatiririza ddala. Nguyiirako ddala bwonna ne gububuna ne buzitowa. Sibumansirako bumansizi katono wano ne wali. Nguyiirako ddala bwonna ne bubuna, bwonna ne mbusaabaanya omubisi gw'enjuki.

7 Era kati, mumanyi, engulu eyo nnalinayo akalobo k'omubisi gw'enjuki, nga omubisi gw'enjuki ogulimu guwera nga kitundu kya ggalani mu kalobo. Ate amalubu gaagala nnyo omubisi gw'enjuki. Kati akalubu kano akato kaali kaayingidde munda ne kasaanukulako ekisaanikira ku kalobo ako akaalimu omubisi gw'enjuki, nga katudde awo bwe kati, nga akalobo k'omubisi gw'enjuki kakakwatidde wano mu mukono gwaako, bwe *kati*. Nga kalina . . . Kati kaali tekamanyi na kugulya, mu ngeri gye wandiguliddemu, omanyi, kko bambi kaasonsekayo busonsesi akakono kaako munda mu kalobo nga eno bwe kagukomba okuva ku kakono kaako bwe *katyo*, nga bwe kagukombako. Ne kakyuka ne kantunuulira, nga obuuso bwako bwonna bwekutte wamu, nga akabuto konna katotobadde ebitagambika, nga kasaabaanye omubisi gw'enjuki. Kaali kakkalidde, nga bwe kagira bwe kasonseka akakono munda bwe kaggyayo omubisi bwe kakomba, bwe *katyo*, nga bwe kasobola okukomba.

8 O, bannange, muli ne ndowooza ku lukuŋŋaana olw'Omwoyo Omutukuvu olulungi ddala olw'enkola ey'edda, we tusaanukulira ekirobo, ne tuvumbika emikono gyaffe munda mu mukebe ne tukomba. Ne tugenda mu maaso, omanyi, nga bwe tukomba.

9 Naye mumanyi ekyali kisesa, mu ebyo byonna? Ka sempala ako olwamala okukomba omubisi gwonna gwe kaasobola okukomba, ne kasuula eri akalobo ne kadduka ne kafulumayo mu ka weema. Ekyaddirira mukimanyi? Nnyina waako ne kali kato kaako nabo ne batandika okukakomba, nga bwe bakaggyako omubisi gw'enjuki gwe kaali kasaabaanye.

10 N'olwekyo, kale, nsuubira, oba oli awo olukuŋŋaana lwaffe nalwo bwe lutyo bwe lunaabeera, tuve wano tweyongere mu maaso okutegeeza abalala, nga n'ekitiibwa kya Katonda bwe kitukkako. Kale.

11 Abaana abato nsanyuse nnyo okubalaba nga weemuli. Nandyagadde okwogerako gyemuli ku kintu ekifaananako bwe kityo. Oba oli awo akawungeezi k'olwenkya, tunaaba n'obudde obuwerako, ne—ne tusobola okwongera okukyogerako. Naye mu kaseera kano tugenda kubaako ne kye twogera eri taata ne maama.

12 Tugenda kwogera ku *Okuyiga Ku Nkola y'Emizimu*. Mu Zabbuli 103:1 okutuuka ku 3, tusomawo ennyiriri zino. Kyenkana buli muweereza na bili mukulembeze wa ddiini, oba omusomi wa Bayibuli, azimanyi ku mutima.

*Weebaze Mukama, Ggwe emmeeme yange: ne byonna ebiri munda yange, mwebaze erinnya lye ettukuvu.*

*Weebaze Mukama, Ggwe emmeeme yange, so teweerabira birungi bye byonna:*

*Asonyiwa ebikolwa byo byonna* ebitali bya butuukirivu; *awonya endwadde zo zonna;*

13 Kye njagala mwekkaanye awo, kigambye nti "byonna." "Asonyiwa ebikolwa byo byonna ebitali bya butuukirivu, Awonya endwadde zo zonna." Kati leka tukoteke emitwe gyaffe okumala akaseera.

14 Kaakano, Kitaffe ow'omu Ggulu, tukwebaza olw'olw'eggulo luno, okuba nti tuli wano. Tukwebaza olw'abaana bano abato abatudde wano, be basajja, n'abakazi ab'enkya, bwe wanaabaawo olw'enkya, Yesu bw'aba tannadda. Era kaakano, ayi Kitaffe, tusaba o—Otuwe omukisa kaakano nga bwe twogera ku Kigambo Kyo mu kaseera kano, ne ku mulabe omukulu gwe tulina, Ssetaani. Tusaba, ayi Katonda, Otusobozese okuteekawo eggye, eggye ettendeke ery'enjawulo wano, amaanyi ga Katonda, erinaamuziyiza akawungeezi kano ku buli yinci ya ttaka lye, ayi Mukama, era limulage nti mu mateeka talina lukusa lwonna, nti Kristo yamutuwangulira e Kalivaaliyo, bwe Yafa, era n'Afufuggaza na buli bufuzi obw'engeri yonna n'anyagako Ssetaani a—amaanyi gonna ge yalina. Era, ayi Katonda, tuwe amagezi n'okutegeera kaakano, okumanya awamu n'okunnyonnyola abantu engeri gye bayinza okumanya bwe bayinza okuwonyezebwa n'okuwangula Ssetaani. Mu Linnya lya Yesu tusabye. Amiina.

15 Kati okumala eddakiika entonotono tugenda kwogera ku *Okuyiga Ku Nkola y'Emizimu*. Muwulira bingi nnyo ebikwata ku mizimu. Kati, enkya olw'eggulo ob'olyawo tujja kukimaliriza. Nnayagadde nkozese ennaku bbiri mu wiiki eno, zokka, okubuulira ku kino, oku. . . manyanga ennaku bbiri ez'enkuŋŋaana ez'olweggulo, okwogera ku kino.

16 Kati, ekisooka, kwe kutegeera omuzimu kye guli. Muwulira abantu bangi nnyo nga boogera ku muzimu. Naye, kati, "omuzimu, omwoyo omubi," byonna biva mu kigambo kimu, nga mu Lungereza kiyitibwa "omutulugunya." Oyo atulugunya gwe mwoyo omubi, omubi. Yagamba. . . Kati, Bayibuli ensangi zino eri awo, eri abasinga obungi, eri abantu bangi, eri awo kitabo butabo ekikadde eky'edda jjajja omusajja ne jjajja omukazi kye baasomanga, oba ekintu eky'engeri eyo. "Teriimu makulu gali awo ga maanyi, ya bakadde, n'abalala bwe batyo." Naye ekyo kikyamu. Ya buli omu. Era emizimu bintu ebitutulugunya ebitukijjanya.

17 Kati, waliwo emizimu egiyingira mu mmeeme y'omuntu, era ekyo, mu nsengeka y'ebigambo, ekyo kye kiyitibwa—ekyo

kye kiyitibwa mu . . . Leka nkiyite bwenti, kale, nti omuzimu oguyingira mu mmeeme kye kintu ekitulugunya emmeeme.

18 Emirundi mingi osobola okulaba omuntu ob'olyawo eyagwa eddalu. Kati, asobola n'okuba nga muntu eyakyusibwa n'okukyusibwa, nga yajjuzibwa n'Omwoyo Omutukuvu, naye ate n'agwa eddalu. Mukiraba? Bwe kiri. Ekyo tekirina we kikwataganira na mmeeme. Ekyo kibeera kintu ekitulugunya, mukiraba, ekitulugunya omuntu oyo.

19 Kati, endwadde zonna, tulina okusooka ne tukizuula nti endwadde zonna zaava wa ssetaani. Katonda si y'ensibuko y'endwadde. Tewali ndwadde eva wa Katonda. Katonda oluusi akkiriza Ssetaani okukulwaza, nga kibooko ey'okukukomyawo mu nnyumba ya Katonda, nga ojeemye. Naye endwadde, gye zisibuka, ziva eri ssetaani. Ddala osobola okuteebereza omuntu okukkiriza nti Katonda, Kitaffe ow'omu Ggulu, y'ensibuko y'ekintu ekifaananako bwe kityo nga endwadde n'okufa? Kati nno, nedda, Ye si y'ensibuko yaazo, tabeerangako nsibuko yaazo, era taliba. Katonda akkiriza okufa ne kubaawo olw'obujeemu. Katonda akkiriza okufa ne kubaawo. Nga omuwandiisi omu bwe yagamba nti, "Ekintu kyokka okufa kye kusobola okukola, Katonda yakusiba ku kigaali kale kuwalula ekigaali ekyo ne kutuwalula ne kutuleeta mu Maaso ga Katonda, nga kuwalula omukkiriza." Naye ekigambo *okufa* kitegeeza "okwawukanyizibwa."

20 Yesu yagamba nti, "Oyo awulira Ebigambo Byange n'akkiriza Oyo eyantuma, alina Obulamu obw'emirembe n'emirembe." Era n'Agamba nti, "Nze kuzuukira, n'Obulamu, oyo akkiririza mu Nze, ne bw'alifa, aliba mulamu, na buli muntu omulamu anzikiriza Nze talifa." Kati weewaawo twetikka emirambo gya bannaffe ne tugitwala ne tugigalamiza e magombe. "Naye talifa."

21 Kati bwe weetegereza bwe Yali ayogera ku Lazaalo, yagamba nti, "Lazaalo yeebase."

22 Abayigirizwa, abantu nga ffe, ne bamugamba nti, "O, bw'aba yeebase tewali mutawaana." "Ky'ategeeza nti awummuddemu," bwe batyo bwe baalowooza.

23 Naye n'Ajja n'ayogera nabo mu lulimi lwabwe lwe bategeera. N'agamba nti, "'Afudde,' ekyo kye mukkiriza. Naye," n'agamba nti, "Ŋŋenda kugenda mmuzuukuse, mmuzuukuse." Mukiraba? Mukiraba? Bw'oba nga . . .

24 *Okufa* kitegeeza "kwawula." Kati, ssinga omu ku mmwe, omu ku ba famire yo ssinga afa, oba omuntu omulala, omuntu oyo abeera, bw'aba nga yakyusibwa, abeera tafudde. Okusinziira ku bantu abeera afudde. Naye ekituufu kiri nti abeera ayawukanyiziddwa ku ffe, naye abeera ali mu Maaso ga Katonda. Abeera tafudde, era tasobola kufa, omuntu oyo tekisoboka kufa. Yesu yagamba nti, "Oyo awulira Ebigambo

Byange n'akkiriza Oyo eyantuma alina Obulamu obw'emirembe n'emirembe, era talijja mu musango, wabula aba avudde mu kufa nga azze mu Bulamu." N'olwekyo, tasobola kufa. Ekintu kyonna ekitafa, Ekitaggwaawo, tekiyinza kuzikirira. Obwo buba Bulamu obutayinza kuzikirizibwa. Era abulina kubanga Katonda yabumuwa. Ate ta—tabugwanyizibwa bugwanyizibwa lwa kintu kye yakola; bujja . . . Tebubaako kakwakkulizo konna. Katonda y'abumuwa.

25 Katonda y'ayita. Tewali muntu ayinza kujja eri Katonda okuggyako nga Katonda y'amuyise. Yesu yagamba nti, "Tewali muntu ayinza kujja Gyendi okuggyako nga Kitange y'amuyise, y'amuleese." Si bwe kiri? N'olwekyo byonna Katonda y'abikola. Ob'olyawo olweggulo lw'enkya tujja kufuna ebisingawo ku nsonga eyo, kubanga njagala mbannyonnyole ensonga eno ekwata ku *ndwadde*, mugitegeere, musobole okugiraba.

26 Waliwo ekiseera we wafuukira akaweke ak'obulamu nga okyali eri mu jjajja wa kitaawo. Ekyo mukimanyi bulungi. Ekyo omusawo akimanyi. Weewaawo, nammwe, mukimanyi, mmwe abasomi ba Bayibuli. Okimanyi nti akaweke ak'obulamu kaatandikira mu jjajja wa kitaawo, ne kafuuka akaweke, ne kabbulukukira mu jjajjaawo, oluvannyuma ne kadda mu kitaawo, ne kava awo ne kasengukira mu maama wo n'olyoka oba nti wooli kati. Bwe kiri. Ebyawandiikibwa nabyo ekyo bikiyigiriza. Kiikino Ekyawandiikibwa bwe muba mukyagala. Nzikiriza Kigamba nti Leevi yasasula ekimu eky'ekkumi bwe yali akyali mu ntumbwe za Ibulayimu, eyali jjajja wa kitaawe. Si bwe kiri? Kati, mukiraba, nti akaweke ak'obulamu katandikira mabega eri.

27 Naye emmeeme zammwe zo zaakolebwa dda nga n'ensi tennatondebwa, Katonda we yatondera omuntu mu kifaananyi Kye Ye; omwoyo gw'omuntu; si we yatondera *omusajja* mu kifaananyi Kye Ye, wabula we yatondera *omuntu* mu kifaananyi Kye Ye. Mukiraba? Bw'atyo n'Abakola bombi omusajja n'omukazi, bwe Yali tannaba na kuba na muntu ava mu nfuufu ya nsi. Nyabula singa tubadde tusobola olw'eggulo luno, ekyo ne tweyongera ne tukiweera ddala obudde bwaffe ne tukigendera ddala mu buziba. Ne tulaba engeri Katonda . . . Kati, ekinyusi kiri mu ngeri enkusike, naye, bwe wekkaanya, kivaayo bulungi mu bulambulukufu. Mukiraba? Engeri Katonda, edda eri ku lubereberye, kye Yakola luli, n'engeri gye Yakka n'ajja mu nsi n'engeri gye Yakolamu omuntu mu kifaananyi Kye; ate oluvannyuma Katonda n'akyuka n'ajjira mu kifaananyi ky'omuntu, okusobola okununula omuntu.

28 Kati, Katonda bwe yakola omuntu mu kifaananyi Kye, omuntu mu nkula ye yali mwoyo. Naye tewaaliwo muntu wa kulima ttaka. Bw'atyo n'Atonda omuntu okuva mu nfuufu y'ensi. Kati, abakugu mu nsengeka y'ebintu mu biseera byabyo, n'abalala, n'abantu bano abanoonyereza ne bafuna

amagumba amakadde, n'ebirala, n'abakkiririza mu ndowooza egamba nti ebintu byajja bikyukakyuka okuva mu kika ekimu ne bifuuka ekika ekirala . . . Nzikiririza mu kukyukakyuka kw'ebitonde okutuufu. Lubeerera omuntu y'azaala omuntu, so si nti ebitonde byonna byava mu katoffaali kamu bwe kati. Nedda, ssebo, kubanga e—ekinyonyi bulijjo kibadde kinyonyi kasookedde Katonda akikola nga kinyonyi, n'enkima ebadde nkima, n'omuntu abadde muntu. Bwe kiri.

29 Kati, nnali njogera ne dokita omu wano gye buvuddeko, mu Louisville. N'agamba nti, "Naye, Lev. Branham!" Nnali njogera ku ngeri abantu b'omu Afirika bannansangwa, engeri gye balya, bagenda bugenzi ne ba . . . Bannange, kyewuunyisa engeri gye balya, ebimu ku bintu ebyesisiwaza okukamala bye wali olabye! Alonda bulonzi ekintu ekijjudde obucaafu, oba ekirimu envunyu, n'akikunkumula ne kivaako, envunyu n'ebirala bwe bityo. Nga tekimwesisiwaza yadde n'akatono. Mukiraba? Baagamba nti . . . Asobola okunywa ekintu kyonna, ka kibeere kiki. Dokita ono kwe kugamba nti, "Naye, Lev. Branham, abantu abo si bantu."

Ne mmugamba nti, "O, weewaawo, bantu. Bantu bennyini ddala."

30 Ne mmugamba nti, "Ekintu ekisemberedde ennyo omuntu, mu nsolo, ly'ezzike. Era mugezezzaako okumala emyaka enkumi nnya ezzike eryo okulyatuzaayo ekigambo kimu bwe kiti, naye terisobodde kukikola," Ne ŋŋamba nti, "kubanga terisobola kulowooza. Teririna kye liyinza kukozesa kulowooza." Weewaawo, muyinza okubaako ebintu ebitonotono bye muliyigiriza nga bwe mwayigiriza embalaasi, amaloboozi ga gii ne hoo kw'ekyukira ku kkono oba ku ddyo nga erima, oba ne muliyigiriza okwambala gaalubindi, oba okufuuwa sigala, oba okwetengererera ku kagaali, okuvuga embalaasi, oba ekintu ekiringa ekyo, naye era ebyo byonna biringa bw'oyigiriza amaloboozi ga "gii" ne "hoo" eri embalaasi, oba eddoboozi lya "hwiiti" eri embwa, oba ekintu bwe kityo. Ne mmugamba nti, "Ezzike eryo nsolo."

31 "Naye ggwe leka ŋŋendeko mu Afirika, mu kika ekisingayo okuba eky'obulabe kye balina, nga ekyo kye kika ekitono eky'abantu ababeera mu nsiko." Ne ŋŋamba nti, "Ob'olyawo jjajja wa jjajja wa jjajja wa jjajjaawe teyalaba ku muntu muzungu oba omulala yenna. Ekintu kyokka ky'amanyi, tamanyi na mukono ogwa ddyo gwe guliwa oba ogwa kkono. Ekintu kyokka ky'amanyi kwe kulya, era alya buli ky'akwatako kyonna, oba nnyama ya muntu, oba ekirala kyonna, ye tayawula, alya buli. Naye leka mmufune nga wa myaka etaano, w'anaawereza emyaka kkumi n'etaano ajja kuba ayogera bulungi Olungereza olulungi nga n'obuyivu muyivu. Lwaki? Kubanga alina emmeeme. Katonda yamukola nga muntu, era alina eddembe okuwulira Enjiri, waakiri omulundi gumu

bwe guti, nga bwe tulina eddembe okubuulira okwetoloola wano, mu Amerika wonna, nga tubuulira eri abantu, emirundi n'emirundi n'emirundi, nga tubeegayirira, n'okubeesengereza na buli kimu. Ye leka agiwulire omulundi gumu guti, olabe bw'anaalajana n'ajja ku wolutaali nga adduka bunnambiro." Mukiraba? Yee, ssebo!

32 Omutima gwange ekyo kye guli, ow'oluganda, leero, bwe ndowooza ku Afirika, n'emikono egyo egy'ensusu enzirugavu bambi nga giyimusiddwa waggulu, nga bagamba nti, "Ow'oluganda Branham, bambi tubuulireyo omulundi omulala gumu ku Yesu!" O, bambi! Mu nze mulimu ekintu ekinsima era ekibugujja. Era kasita nnaaweza nti ssente ezimala, nayo, nja kugendayo. Ekyo kye nkola na buli nnusu gye nfuna, buli kimu, Katonda akimanyi, kasita nzigyako ezimmala okulya. Ate okusinga abantu be bampa n'engoye ze nnyambala. Kale nzigyako ssente ntono ddala kyenkana ezitammala na kwebeezaawo, nze kennyini, ntono nnyo nnyini, ezisigadde ne nzissa mu nsawo y'okuwagira abaminsani ensawo gavumenti gye yateekawo. Sizisasulako na musolo. Nsobole okuweza ddoola enkumi ssatu oba nnya, oba ttaano, nsomoke ŋŋendeyo mbuulire Enjiri eri abantu be mmanyi nti ku lunaku luli ndibaanukulira. Nga kye ndyanukulira nkimanyi.

33 Nnateranga, bwe nnagendanga mu kibuga, nnakubanga olukuŋŋaana olunene mu biseera biri we baabeereranga ne ssente empitirivu obungi, we baakungiranga abantu abayitirivu ne bakuŋŋaanya enkumi n'enkumi za ddoola, mu biseera ebyo ssente zange nnaziwangayo eri ab'ekibiina kya Red Cross n'ebibiina ebirala bwe bityo. Kati, kati, sigezaako kubasiiga nziro, naye bajjanga beevuga mu kkubo mu mmotoka ya ddoola enkumi nnya, nga eriko ebikondo ebinene ebya alimansi, nga eno bwe bafuuwa sigala, nga kw'ogasse n'okusaasaanya ddoola ebikumi bitaano buli wiiki ku ssente abalwadde-. . . Nedda, ssebo! Nedda, nedda! Kyokka nga mu kufuba okwo kwonna, oluba okuva oti mu kibuga, ne babayita, "abatukuvu abeevulunga," n'ebintu ebiringa ebyo, n'okubajereegerera, n'okuvvoola eddiini gye tukkiririzaamu. Nedda, ssebo!

34 Kati nzikwata nze kennyini, era mu maaso ga Katonda nga ye Mulamuzi wange, ne nziteeka mu mulimu gw'Enjiri ebweru eyo, mbeere nga mmanyi nti ku Lunaku luli ndi. . . bwe ndiba wa kuwaayo mbalirira yange ey'ebyo bye nnakwasibwa okubeera omuwanika waabyo, kibeere nti biriba byakola ekyo kyennyini kye byalina okukola. Ekyo ddala kituufu, kubanga nkimanyi nti engeri gye mpisaamu abantu ye ngeri gye mpisaamu Katonda. Endowooza gye nkulinako y'endowooza gye nnina ku Kristo. Naawe endowooza yo gy'onninako y'emu, ddala nga, gy'olina eri Kristo.

35 Kati, okulaba abantu nga abo, n'okulaba engeri omuntu, ddala, alina emmeeme etafa kati, etasobola kufa, etayinza

kuzikirira, etayinza kukola kintu kirala kyonna wabula okufuna Obulamu obutaggwaawo, naawe Katonda mu buyinza bwe obusukkulumye, mu kwagala Kwe Ye, bwe yakuwa. Era kati, olwo, kati awo nze . . .

36 Kino leka nsooke nkitereeze, oba mbeeko ne kye njogera. Waliwo omuntu agenda okuva wano nga agamba nti, "Ow'oluganda Branham akkiririza mu nzikiriza y'Ekikaluviini." Nedda, sigikkiririzaamu. Nzikiririza mu nzikiriza y'Ekikaluviini kasita esigala nga ekwatagana ne Bayibuli. Naye enzikiriza y'Ekikaluviini kasita eyawukana ku Bayibuli, awo mbeera nzikiririza mu nzikiririza ey'Ekiruminiya, olaba. Nzikiririza mu Butukuvu ate nzikiririza ne mu nzikiriza ey'Ekikaluviini, nayo. Naye, bombi, omu yeekubiira ku ttabi ery'oku ludda luno *eno*, n'omulala ne yeekubiira ku ttabi ery'oku ludda luli *eri*. Singa si Kitabo ky'Abaefeso, kukikomyawo ne kikiteeka mu kifo ekituufu Katonda we yakissa, ffenna twandibadde mu kutabulwatabulwa. Naye buli omu ku bo alina enjigiriza eyiye, naye bagenda kugisiga, buli omu ku bo, abo b'eb'enzikiriza y'Obutukuvu wamu, n'ab'enzikiriza y'Ekikaluviini, n'ab'enzikiriza y'Ekiruminiya. Kati ab'enzikiriza y'Ekikaluviini waliwo ekintu kye balina ekituufu. Nzikiriza nti—nti enjigiriza y'Ekikaluviini . . .

37 Kiikino kye nzikiriza. Ku kikwata ku bukuumi, nzikiriza nti Ekkanisa erina obukuumi Obutaggwaawo. Ekyo buli musomi wa Bayibuli yenna akimanyi, kubanga Katonda yagamba dda nti Erirabikayo nga teriiko bbala lyonna. Ekyo bwe kiri? Kitegeeza, Eribaayo. Si bwe kiri? Bay-. . . Ekkanisa eriko obukuumi obw'Obutaggwaawo. Kati, oba mu Kkanisa eyo mw'oli, ekyo kye kyebuuzibwa. Bw'oba nga mu Kkanisa eyo mw'oli, ekyo kirungi, naawe oliko obukuumi wamu n'Ekkanisa, naye kakasa nga osigala mu Kkanisa eyo. Kati Ekkanisa ogiyingiramu otya? Ogiyingiramu na kukwatagana mu ngalo? Nedda. Ogiyingiramu na kuwandiisa linnya lyo mu kitabo? Nedda, ssebo. "Ku bw'Omwoyo omu fenna tubatizibwa okuyingira mu Mubiri gumu." Era Omubiri ogwo, Katonda gwe yasalira omusango e Kalivaaliyo, gwali Mubiri gwa Yesu Kristo, era tubatizibwa okuyingira mu Mubiri ogwo nga tufuna Omwoyo oyo omu. Tubaako obukuumi Obutaggwaawo kasita tubeera nga tuli mu Mubiri gwa Kristo, tewaba kintu kyonna kiyinza kutwawukanya, tewaba kintu kyonna kiyinza kutukwatako. Bw'ogufuluma, ofuluma ku lulwo. Naye nga bwe kiri ekikakafu, bw'obeera nga oli mu Mubiri gwa Kristo, nga bwe kiri ekikakafu nti Yesu yazuukira okuva mu bafu, naawe olizuukira. Ekyo Katonda yamala dda okukikola. Ye . . .

38 Tosobola kwonoona. Weewaawo, ggwe. . . Ggwe oyinza okuba olaba nti ndi mwonoonyi, naye bwe mba nga ndi mu Kristo, Katonda takiraba, kubanga ebibi bye bitangirira . . . Omusaayi Gwe gutangirira ebibi byange awo. Okiraba? Awo

ssisobola kwonoona. “Oyo eyazaalibwa Katonda tayonoona, kubanga tasobola kwonoona. Ensigo ya Katonda ebeerera mu ye.” Mukiraba? Ye, abeera mwetegefu oku, bw’abaako ensobi gy’akoze, ddala, abeera mwetegefu okugyenenya. Bw’aba Mukristaayo yennyini, ajja kukikola. Bw’agaana okukikola, alaga nti n’okusooka kwa byonna, tewali ky’alina. Bwe kiri. Talina ky’alina, okusooka kwa byonna. Naye bw’aba Mukristaayo yennyini . . .

39 Wano wennyini, singa osiga empeke y’eŋŋaano mu ttaka, bulijjo ejja kuba mpeke ya ŋŋaano. Ebikwatandiga biyinza okugyetooloola, n’ebirala byonna, naye ejja kuba mpeke ya ŋŋaano ebbanga lyonna. Si bwe kiri? Kati n’omuntu bw’aba nga ddala yazaalibwa Omwoyo wa Katonda, tayingira nga bw’afuluma, na kudda eno n’eri, na kugenda mu nsi eyo wabweru. Nedda, ssebo. Nedda, nedda. Tobeera kikwatandiga olunaku olumu ate n’obeera mpeke ya ŋŋaano enkeera. Eby’engeri eyo Katonda tabirinaamu mu nnimiro. Yee ssebo. Bw’ozaalibwa Omwoyo wa Katonda, obeera Mukristaayo okuva mu kiseera ekyo okutuusa lw’o . . . okutuusa lw’ogenda n’ovaawo, olwo n’obeera—n’obeera nga tofa, wamu ne Katonda. Bwe kiri, bw’oba nga oli mu Kkanisa eyo.

40 Kati, kaakano leka twogere ku ludda olw’okufa. Kati, omuntu ali ku mutendera nga ogwo, mu mbeera ey’ekika ekyo, ate ayinza atya okulwala? Ensonga eri lwa kuba omubiri gwo tegunnanunulibwa. Omubiri gwo tegununulibwanga. K’obeere, k’obeere mulungi otya, k’obeere mutuukirivu okwenkana wa, era k’obeere mutukuvu otya, era k’obeere nga olina Omwoyo Omutukuvu eyenkana wa, ebyo byonna biri mu mmeeme yo mwokka. Ate nga emmeeme yo nayo tennaggwa kukolebwako. Erina Mukisa bukisa, ekisuubizo kya Katonda, nga gwe musingo gw’obulokozi bwaffe. Naye kati singa tetubadde na musingo gwa kuzuukira kwaffe, nga tetulina kuwonyezebwa kwa Bwakatonda, awo sandibadde na bukakafu bwonna yadde ekintu kyonna ekinkakasa nti waliyo okuzuukira.

41 Kiringa ssinga Kristo abadde tabeera mu mutima gwange, nga nnina kubaako e—ekintu ekimu okuva awantu awamu eky’entegeera ey’obwongo kwe nkiggya, nga nnina okubaako ekintu kye nzikiriza ekirina we kiri, eky’amazima, awo na—na—nnandibadde nkibuusabuusa. Era eyo y’ensonga lwaki, eri mu Afirika, bwe baagendayo, abaminsani bwe baagendayo, ne wabaawo enkumi n’enkumi z’abantu abo bannansangwa ne bakyuka, naye ne basigala nga bakyatambula n’obubumbe obwabumbibwa mu ttosi n’ebirala byonna, lwa kuba Bayibuli baali bagiwuliddeko ludda lwa ntegeera ya mu bwongo lwokka. Bwe kiri. N’ab’ekkanisa yange yennyini ey’Ababaputisiti, Abamesodisiti, Abapulesibeteriyani, abo bonna baagendayo. Naye bwe baalaba amaanyi ga Katonda wamu n’okulabisibwa

kwago, ekyo kyabamalamu akankukuna konna, baategeerererawo nti Katonda ye Katonda.

42 Naye, kati, endwadde zino ziva ku ki? Kati, ekisooka, gusooka kuba mwoyo nga tegunnafuuka bulwadde, mu ngeri y'emu nga naawe bwe wali omwoyo nga tonnafuuka muntu. Kati ŋŋenda kukozesa Ow'oluganda Willett wano nga eky'okulabirako. Ow'oluganda Willett, na . . . Waaliwo ekiseera nze naawe lwe tutaali kintu kyonna. Era awo ekintu ekyasooka, Katonda n'atuwa obulamu. Kati leka tulabe, ka tugambe, singa omubiri gwo ngumementula ne mpangulula ebirungo mwe gwakolebwa olw'eggulo luno, olimu ekibinja ky'obutoffaali, nga bwekutte wamu n'obuweke obusirikitu. Era kati, lumu obuweke obwo obusirikitu bulizikirizibwa, singa Yesu aba nga tannadda. Oliddayo n'obeera nga bwe wali mu kusooka. Ebintu ebyo ebikola omubiri gwo biriddayo ne biba nga bwe byali mu ntandikwa, biriddayo mu bbanga. Naye omwoyo gwo bwe gulidda, obuweke obwo obusirikitu buliddamu ne bwekuŋŋaanya wamu n'omwoyo guno ne buvaamu Ow'oluganda Willett omulala afaananira ddala oyo, eky'enjawulo kyokka nti aliba muto, ku ono bwe yali alabika mu kiseera kye we yali alabikira obulungi ennyo.

43 Omusajja bw'asukka emyaka nga abiri mu etaano, yeesanga nga atandise okufuna enkanyanya wansi w'amaaso, nga n'envi bwe zijjirira. Kijja kubaawo, kubanga okufa kukulondoola. Era lumu ku nnaku zino kujja kukutwala. K'obeere ani, kujja kukutwala. Naye mu mpola mpola . . . Ojja kwesonseka mu nsonda wano, Katonda akuggyeyo mu nsonda eyo, weesonseke mu nsonda eno *wano*, okufa kubuleko katono okukugajambulirayo, oveeyo odde erudda wano, naye era oluvannyuma lw'akaseera kujja kukugwiikiriza. Naye kati, okufa kye kusobola okukola, kujja kukukola kyonna kye kusobola, naye ate oluvannyuma ku . . . nga kumaze okukola byonna bye kusobola okukola . . . Katonda bwe yakuwa obulamu buno, bwe watuuka ku mutendera gw'obulamu bwo ogusingirayo ddala okuba ogweyagaza, ku myaka nga abiri mu esatu, bw'olivaayo mu kuzuukira oliba ofaananira ddala nga bwe wali nga olina emyaka abiri mu esatu, abiri mu etaano, okufa bwe kwali tekunnakutandikako. Okufa kujja kukola buli kimu kye kusobola okukola. Mwekuli mu mubiri gwo, naye olikomawo nga ofaananira ddala nga bwe wali ofaanana.

44 Kati, singa buli kamu ku—ku butoffaali obuli mu mubiri gwo, kati leka tugumenyeemenye tulabe ebirungo mwe gwakolebwa, ssinga okwata katoffaali ku katoffaali, katoffaali ku katoffaali, n'obwawula n'obuteeka wano ku kituuti, buli katoffaali konna k'olina mu mubiri gwo, ojja kukomekkereza nga otuuse ku kaweke ak'obulamu mwe watandikira, akatasobola kulabibwa na liiso ejjereere. Okukalaba olina kukozesa kirawuli ekizimbulukusa. Akaweke ako ak'obulamu

nnali nkalabyeko mu kyuma ekizimbulukusa. Kalinga akawuzi akatono ennyo. Era ekisooka okubumbibwa ebeera nkizi, ebeera nga akatuttwa akatono. Ako ke kakolebwa bwe wabaawo akatoffaali akatinniinya akasooka akeetuuma ku katoffaali akalala.

45 Kati, singa mba wa kumenyaamenya akatoffaali ako akatinniinya buli omu ku mmwe mwe yava, akatoffaali ako akatinniinya, akaweke ak'obulamu . . . Akaweke ak'obulamu kye kiki? Akaweke ak'obulamu ke katoffaali akatinniinya, akasemberayo ddala obutono. Kati, kiki ekiddako bw'ova ku ako? Kati, nkumenyeemenye okuva ku buli kitundu ekikukola, ne ntuukira ddala ku katoffaali kano akatono akamu, naye era ggwe sinnakutuukako. Nnyanjadde bwanjazi butoffaali bwo mwe wakolebwa. Kale, kati, ekiddako, bwe butoffaali bw'omusaayi, n'obutoffaali bw'omubiri, ne kyonna kye buyitibwa, nabwo tubwawule bwonna tubuteeke wano, naye era ggwe sinnakutuukako. Kati, ntuuse ku kaweke kano ak'obulamu. Kati, akatoffaali ako akasirikitu ŋŋenda kukamenyaamenya nkaawule. Naye kati, ggwe oli wa? Obulamu bwo. Kubanga obulamu bwe bukola akatoffaali akasooka, nga ke kaweke ak'obulamu, okuva awo buli kimu ne kiva omwo okusinziira ku butonde bwakyo; obutonde obw'embwa ne buvaamu embwa, obutonde obw'ekinyonyi ne buvaamu ekinyonyi, obutonde obw'omuntu ne buvaamu omuntu. Nga obutoffaali bwe bugenda bukula, katoffaali ku katoffaali, katoffaali ku katoffaali, ne butuuka awo w'oli, omuntu, nga butoffaali bwe bugenda bukula. Kaakati, ekyo kyateekebwawo Katonda okubeera bwe kityo.

46 Naye, kaakati, ate kookolo ye ajja atya? Leka tumwogereko katono. Kati, Katonda ye yakuwa obulamu bwo. Kati tuyinza okugamba nti, leero tukulaba oli awo, nange nzuuno, sirina—sirinaako kintu kyonna ku mukono gwange, naye lumu wayinza okubaawo kookolo ku mukono gwange. Kati, kookolo oyo abeera yajjako atya? Leka tulabe kookolo oyo ky'ali, kati tumumenyeemenye, leka tumukutuletule tumutegeere ky'ali. Kati, ne kookolo oyo, naye kibinja kya butoffaali. Ekyo mubadde mukimanyi? Ekizimba, ensenke, buli kimu kyonna ku ebyo bubeera butoffaali. Tebirina nkula nti yiino. Ebimu ku byo bisaasaana, ate ebirala bifaanana nga nnabbubi, ate ebirala bifaanana . . . bikola emikululo, kookolo omumyufu, obubeeranga obuwuzi obuwanvu obumyufu obuyita mu . . . Ate ne wabaawo ayitibwa kookolo wa rooza atera okukwata ku bbeere ly'omukazi, abeera nga bu kabalagala obweweese, era agenda asaasaana nga bw'alya. Akwata buli wamu.

47 Oluusi ebizimba biba bya njuyi ezitenkanankana, nga oludda *luno*, luwanvu, luwanvu ate lugazi, na buli kimu. Tebibeera na nkula nnambulukufu nti yiino, kubanga biva mu mwoyo ogutalina nkula nnambulukufu. Naye buba butoffaali

nga bwe bukula. Kibeera kibinja kya butoffaali, leka tugeze, mu ggwe mu kaseera kano olimu ekizimba oba kookolo, nga butoffaali obugenda bukula, bwe bukula, bwe bukula, bwe bukula. Nga eno bwe bulya, nga bukunuunamu obulamu bwo. Bulya ku musaayi gwo busobole okubeera obulamu. Ensenke enuunamu amazzi agabeera mu liiso n'ekula ku ngulu ku liiso, n'eribikka, amaaso go n'egaziba. Ebimu bijja naye ne bitafuna. . . okugeza nga akafuba, akajjira mu kaweke akasirikitu ennyo. Obunene bwako si kye kikulu. Akaweke ak'obulamu akavaamu enjovu, k'enkanankana n'akaweke ak'obulamu akavaamu e—envunza. Mukiraba? Obunene bw'akaweke ako si kye kikulu.

48 Era ebimu bifuna emibiri egirabikako, ate ebimu tebigifuna. Ebimu tebiyingira mu butoffaali. Ebimu bifuuka mwoyo, ne bitulugunya emmeeme. Ekitundu ekyo tujja kugezaako okukyogerako, ekitundu ekyo ŋŋenda kukiterekera olw'eggulo lw'enkya, bwe nnaaba nsobodde, omwoyo ogwo ogulumbagana emmeeme we guyingiriramu, n'engeri gye guyingiramu munda *wano*.

49 Era kati, ab'emikwano, bino sibyogera nga nsinziira ku ntegeera ey'amagezi ag'obwongo. Nnwanaganye n'emizimu okumala emyaka n'emyaka, era ekyo mukimanyi. Nyabula singa mubadde mumanyi ekibaawo, olukuŋŋaana bwe luba luwedde ekiro, ebitera okuddirira. Temubimanyi. Jjukira, bw'obeera ow'okubaako omwoyo gwe weŋŋanga, oteekwa okuba nga ky'oyogerako okimanyi. Tomala gayimirira awo ne weecangacanga, kubanga tekirina kalungi konna ke kigenda kukukolera. Naye mu butuufu omuzimu bwe guba gwa kukugondera, gujja kukitegeera. Ekikulu si y'engeri gy'oleekaanamu n'eddoboozi ery'omwanguka, si mafuta genkana wa obungi g'osiiga omuntu. Wabula ekyo ekiri munda wano eno kye gujja okugondera, Amazima. Yesu yagugamba bugambi nti, "Fuluma."

50 Mujjukira nti, abayigirizwa baali bakubye ensambaggere nga beenyodde, nga bagezaako okugugoba gufulume, na buli kimu. Ne bamubuuza nti, "Ffe lwaki tetwasobodde kugugoba?"

N'abagamba nti, "Kubanga, olw'obutakkiriza bwammwe."

51 N'agugamba nti, "Mufulumemu." Omulenzi ensimbu yamukuba okusinga bwe yali emukubye. Mukiraba? Mukiraba? Gimanyi obuyinza.

52 Laba abalenzi bali emmanga eri, emmomboze abaalaba Pawulo nga agoba emizimu. Nabo ne bagamba nti, "Naffe tusobola okukikola," batabani ba kabona omu. Bwe batyo ne baserengeta nga bwe bagamba nti, "Naffe tusobola okugoba emizimu." Ebikolwa by'Abatume 19. Ne baserengeta ne bagenda eri omusajja eyakubwanga ensimbu, ne bagamba nti, "Tukulagira, ku bwa Yesu. Mufulumemu. . . " Ssetaani

n'agamba nti, "Kati . . ." ". . . mu Linnya lya Yesu, Pawulo gw'abuulira!"

53 Ssetaani n'abaddamu n'abagamba nti, "Kati, Yesu mmutegeera ne Pawulo mmumanyi, naye mmwe mmwe b'ani?" Ebyaddirira mubimanyi. Omusajja eyaliko dayimooni yababuukira, n'ayuzaayuza engoye zaabwe, ate bo bennyini ne bagwa ensimbu, n'okudduka ne badduka ne babuna emiwabo.

54 Dayimooni ze zimu weeziri ne leero, n'olwekyo waliwo obuzoole buyitirivu. Eno y'ekkanisa, akawungeezi ka leero. Waliwo obuzoole buyitirivu nnyo mu nsi leero, obuyitibwa okuwonya okw'Obwakatonda, obusaanye okubuniza. Ekyo kye kireeta ekivume eri Ensonga yennyini entuufu. Eyo y'ensonga lwaki musisinkana obuzibu obw'amaanyi bwe butyo. Waliwo ebintu bingi ebiyitibwa eddiini, leero, ebisaanye okubuniza. [Ebbanga ejjeerere ku lutambi—Omuk.] Si kirala wabula obudiinidiini obw'obulimba! Ekyo ky'ekireetera Ekkanisa ya Katonda entuufu okuba n'obuzibu obwenkanidde awo ku nsonga eyo. Naye tuli mu Amerika, mukiraba, kirina kuba bwe kityo. Katonda agamba nti eŋŋaano n'ebiddoddo eby'erippa ku binnaabyo n'emyeramannyo byonna byakulira wamu. Temugezaako okubikuulamu. Mubireke bikulire wamu, naye mulibitegeerera ku bibala byabyo. Tewali bibala, kubanga, tewali Bulamu, tewali kintu kyonna.

55 Kati, mwekkaanye akatoffaali kano. Leka tugambe, okugeza, nga emirundi egisinga obungi, kookolo omumyufu atera okukwata mu nda y'omukazi, n'akola ebiwundu mu nda y'omukazi n'ebirala. Kati ekyo, leka tulabe, leka tulabe ku kintu ekyo tukyekkaanye kaakano, ku katoffaali kaakyo, kookolo ono—ono. Kati kookolo . . .

56 Buli kintu ekibaawo mu by'omubiri kirina kye kyoleka mu by'omwoyo. Ekyo mubadde mukimanyi? Buli kintu ekibaawo mu by'omubiri kirina kye kyoleka mu by'omwoyo, ka kibeere kiki.

57 Okugeza, nga kino, bwe—bwe tuzaalibwa mu Mubiri gwa Kristo, waliwo ebintu bisatu ebyetaagisa okuleeta Okuzaalibwa kwaffe. Era ebyo by'ebintu ebisatu ebyava mu bulamu bwa Kristo bwe yafa. Mu mubiri Gwe mwavaamu, amazzi, Omusaayi, Omwoyo. Ekyo bwe kiri? Ebintu bisatu, ebyo bye bintu bye tuyitamu nga tuzaalibwa omulundi ogw'okubiri: okuggyibwako omusango, okutukuzibwa, n'okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu. Kati, ebyo byonna bisobola okubeera mu kikolwa kimu. Naye kyetaagisa . . . Naye osobola okubeera nga waggyibwako omusango naye nga totukuzibwanga. Osobola okukkiriza Mukama waffe Yesu Kristo naye n'osigala nga okyatambula n'obugwagwa bwo. Naye ate era osobolera ddala okutambulira mu bulamu obwaggyibwako omusango obutukuvu era obuyonjo, naye nga tolina Mwoyo Mutukuvu. Olaba, Bayibuli, mu Yokaana Ekisooka 5:7, wagamba nti,

"Waliwo basatu abawa obujulirwa mu Ggulu, Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu, era . . . Kitaffe, Ekigambo, n'Omwoyo Omutukuvu," nga ye yali Omwana, "era abasatu bano bonna bali omu. Era waliwo bisatu ebiwa obujulirwa mu nsi, amazzi, Omusaayi, n'Omwoyo, era bikkiriziganya mu kimu." Tebiri kimu, wabula bikkiriziganya mu kimu. Toyinza kubeera na Kitaffe nga tolina Mwana; toyinza kubeera na Mwana nga tolina Mwoyo Mutukuvu, kubanga tebasobola kwawukana, bali omu. Obusatu buli mu kimu.

58 Erudda eno sikiwulirayo, naye kiwulirwa nnyo okwetoloola eggwanga, ekimu ku bintu ebikulu ebiri mu bibinja by'Abapentekooti eby'enjawulo, kwe kutabulwatabulwa okuli mu kintu ekimu ekyo ekyangu ennyo. Era nnali ntuuzizzaako abakulembeze baabwe wamu ne mbakakasa nti bombi bakkiriza ekintu kye kimu. Oyo ssetaani y'abaawukanya, kye kyokka. Singa ekkanisa eyo ennene ey'Abapentekooti yeega- . . . singa basuula eri, obulombolombo obutaliimu ne beegatta wamu mu Kkanisa emu eya Katonda ey'omukisa, Okukwakkulibwa kwandibaddewo. Naye kasita Ssetaani aba nga akyasobola okubakuumira awo nga beekutuddekutudde, awo w'ayagala. Eyo y'engeri gy'akikolamu. Kyokka nga eky'amazima ddala bakkiriza ekintu kye kimu.

Omu yagamba nti, "Naye, *kino* kitegeeza Kiri."

59 Ne ŋŋamba nti, "Kati, bwe kiba nga *kino* kitegeeza Kiri, kitegeeza na Kiri kitegeeza *kino*." Kati kiikyo. N'olwekyo, ky'ekintu kye kimu. Naye awo we bali, mu ssatu z'obusatu obwo obwa Katonda. Kati, kaakati, Katonda mu bumu Bwe. Katonda Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu. Kati, ffe tetugamba nti "bakatonda baffe," nga abakaafiiri. Tugamba "Katonda waffe." Mukiraba? Ze Nkula za Katonda ez'engeri essatu.

60 Kati mwekkaanye, kati, Ssetaani naye ali mu busatu. N'amaanyi ge nago gali mu busatu.

61 Kati, naye mulabeeyo kati amazzi, Omusaayi n'Omwoyo bye bivaamu Okuzaalibwa obuggya. Si bwe kiri? Kaakati mwetegereze. Ekyo ky'ekikiikirira Okuzaalibwa obuggya. Kati biki ebikiikirira okuzaalibwa okw'obutonde nga Okuzaalibwa obuggya tekunnabaawo? Bwe . . . Mmwe bamaama, omwana bw'aba azaalibwa, kiki ekisooka? Gaba mazzi. Ate ekiddako, guba musaayi. Gwe guddako, mukiraba, ebyo bye bikola obulamu, mukiraba, bye bikola omuntu. Amazzi, omusaayi, omwoyo.

62 Kaakati, kookolo, leka tumwogereko mu ddakiika zaffe eziddako, ndowooza, tusigazizzayo eddakiika nga ttaano, mu ddakiika ettaano eziddako, leka twogere ku kookolo. Kookolo oyo kiki ky'ali? Akiikirira ki? Kye kintu ekirya ebifudde. Akiikirira nsega, erya ebifudde. Era kookolo atera kuva mu kunuubuka, okusinga, akatoffaali we kaba kakubiddwa ne ka—

ne kanuubuka. Olwo akatoffaali akatono akali munda muli ne kaddirira nga tekakyalina maanyi kwerwanako. Ha, ekyo nno kigambo kinene nnyo eri Omubaputisiti, si bwe kiri? Kale, naye kaddirira, akatoffaali ako. Ndi Mubaputisiti akkiririza mu kuddirira.

63 Waliwo eyaŋŋamba, emmanga wano mu lukuŋŋaana olwali mu Arkansas luli, n'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham," n'agamba . . . Yali musajja wa nzikiriza y'Abanazaliini. Yali awonyezeddwa. Yali alina . . . Yali agenda atambulatambula mu kibuga, nga emiggo gye egy'abalema agitadde ku kibegabega. Yaŋŋamba nti, "Naye nkubuulire?" N'agamba nti, "Omulundi gwe nnasooka okujja wano," n'agamba nti, "nna—nnali ndowooza nti oli . . . bwe nnakuwuliriza nga obuulira, nnali ndowooza nti oli wa nzikiriza y'Abanazaliini." N'agamba nti, "Naye nnagenda okulaba nga abantu abasinga obungi Bapentekoote, ne wabaawo n'eyaŋŋamba nti oli Mupentekoote. Naye ate kati oli mu kugamba nti oli Mubaputisiti." N'agamba nti, "Kinnemye okutegeera."

64 Ne mmugamba nti, "Ha, ekyo kyangu." Ne mmugamba nti, "Ndi Mupentekoote Omunazaliini Omubaputisiti." Kale ekyo—ekyo ddala bwe kiri. Kale. Nedda, ffenna tuli kimu mu Kristo Yesu, olw'Omwoyo Omutukuvu atufuula omu. Bwe kiri.

65 Kati, mwekkaanye, akatoffaali kano akatono kaddirira bwe kanuubulwa. Kitandiikiriza mpola. Obuweke obulala obw'obulamu bujja okuwaayo obulamu bwabwo awo awanuubuddwa. Era mu obwo mwe muva amasira agabeera mu kiwundu. Obwo bubeera buserikale obutono nga bulwanirira obulamu bwo. Budduka ne bujja awali ekiwundu ekyo ne—ne bulwanagana n'obutwa obwo, n'amaanyi g'emizimu ago agabeera gagezaako—gagezaako okwekuŋŋaanyizaawo, ne buwaayo obulamu bwabwo. Omwo mwe muva . . . Omwo . . . Kibeera kibinja kya buserikale obufu, ge masira ago agabeera mu musaayi gwo . . . agabeera mu—mu kiwundu, obubeera buwaddeyo obulamu bwabwo okutaasa obubwo.

66 Kati, akatoffaali akatono bwe kamala ne kayingira munda mu mubiri awo omuzimu guno we gutandikira, nga gutandika okukula, nga gutandika okukubisaamu obutoffaali. Gubeera guzimba omubiri mu ngeri y'emu nga abaana bo gye batandikamu mu nda yo, era nga naawe bwe watandikamu mu nda ya maama wo. Katoffaali ku katoffaali, katoffaali ku katoffaali, katoffaali ku, nga bwe gukula mu ngeri yonna, wonna we guba gukutte; kimu kyokka nti, tegubeera na nkula nnambulukufu ya kintu kyonna nga bw'olaba omuntu, bw'abumbibwa okusinziira ku butonde bwe. Gubeera mwoyo bwoyo. Gukula mu ngeri yonna, era gujja kutandika katoffaali ku katoffaali, katoffaali ku katoffaali.

67 Era kati, okugira oti, nga otandika okunafuwa n'okuwulira nga alwadde. Nga ogenda eri omusawo nga akukebera. Oba oli awo nga gumulema okulaba. Bw'agulaba, oba oli awo nga agusala nga aguggyamu. Bw'aba asobodde okugusala n'aguggyiramu ddala, byonna biba bulungi, abeera agufunye. Naye bw'alemwa okugusalira ddala n'aguggyamu, nga guli mu mumiro oba awantu awalala w'atasobola kugusala bulungi n'aguggyirayo ddala, ne bwe wasigalayo akatundu kamu bwe kati guddamu ne gweyongera okukula. Okiraba, kubanga gubeera tegulina, nga katugambe bw'oyinza okutemako omukono gwo ne kiba nti ogummezze, oba ekitundu ekirala, oba n'otemako. . . Kye ntegeeza, singa otemako omubiri gwennyini ogw'omuzimu ogwo, naye omukono gwo ne gusigalawo, weewaawo, tegusobola kulama. Naye—naye, olaba, tegubeera na nkula ya bulamu nnambulukufu nga gy'olina. Go gabeera maanyi ga dayimooni agabeera nga gasenguka okuva mu kitundu ky'omubiri ekimu nga bwe gadda mu kirala.

68 Era kati mwekkaanye, mmwe mubiyita, omusawo akiyita, "kookolo." Katonda akiyita "muzimu." Mulabeeyo leero. Baakituuma. . . Ekigambo *kookolo* kyava wa? Kiva mu. . . kiva mu kigambo eky'olulimi Olulattini ekikozesebwa mu bigambo by'obusawo, ekitegeeza "enjaba," enjaba gy'olaba ku lubalama lw'ennyanja, ebeera n'amagulu ago amangi. Bw'atyo bw'a—bw'akola, asaasaana, abuna wonna. Ekigambo *kookolo* kitegeeza "njaba." Era ayingira n'agenda nga alya nga bw'anuuna omusaayi nga bw'akula, nga okitopasi bw'ekola oba ekintu bwe kityo. N'olwekyo, ekizimba, ensenke, n'endwadde endala, buli emu ku zo eva mu kawuka akalwaza, era akawuka ako akalwaza kalina okuba n'omubiri. Ate nga tekannafuuka mubiri, kalina kusooka kuba bulamu. Nga tekannatonda manya—manya nga tekannaba kwalula kukola butoffaali bulala, bulina kusooka kuba bulamu. Si bwe kiri? Kati, kookolo oyo yava wa? Y'ani, yava wa? Ayinza okuba nga tabadde mu mubiri gwo gye buvuddeko emabega awo, naye weekanga kati mwali. Avudde wa? Kika kya bulamu obulala obw'enjawulo ku bulamu bwo, nga bukulimu. Era kintu ekikukijjanya, nga kikunuunamu obulamu bwo. Y'ensonga lwaki Yesu yamuyita "dayimooni."

69 Okugwa ensimbu leero bakiyita, bagamba nti, "kugwa nsimbu." Naye, ensimbu, mu Bayibuli, Yesu yaziyita "dayimooni." Omusajja bwe yajja n'omulenzi eyagwanga ku ttaka, n'abimba ekyovu mu kamwa, n'ebirala, yagamba nti, "Aliko dayimooni, era emirundi mingi amusuula mu muliro, ne mu mazzi."

70 Kati erinnya lye baalirongosaamu ne baziyita ensimbu, naye nga dayimooni. Era Yesu yagamba nti, "Ggwe dayimooni, vva mu mwana!" Ddala bwe kyali. Kati, ensimbu zitera kuva ku kulwala nsigo. Ob'olyawo ekyo tunaakikwatako oluvannyuma. Mukiraba? Ensimbu kwe ziva, ziva ku bulwadde bwa nsigo.

71 Kati, mwekkaanye mu kino, akatoffaali ako awo, eyo ebeera dayimooni. Ebeera ezimba bulamu; ebeera ekula, nga bwe yeeyongera okugejja. Erina omulimu gumu gwokka ogw'okukola, ogwo nga, kwe kutwala obulamu bwo. Ekyo ssetaani ky'abeera agitumye okukola, kusalako nnaku za bulamu bwo z'olina okuba omulamu ez'emyaka ensanvu.

72 Kati, nzisaamu ekitiibwa buli musawo yenna. Yee, ssebo. Buli musawo yenna ajjanjaba nga akozesa ssaayansi, Katonda abawe omukisa olw'obuyambi bwe bakoledde abantu. Ekyo ddala bwe kiri. Wandikoze ki leero mu nsi we butali? Nneebaza Katonda olw'obujjanjabi obwa ssaayansi. Nneebaza Katonda olw'emmotoka yange. Singa Katonda teyakkiriza ssaayansi kukola mmotoka, nnandikaluubiriziddwa okutambula okujja wano. Ku lw'amataala agakozesa amasannyalaze, ku lwa ssabbuuni ow'okunaaba engalo zange, ne ku lw'eddagala ly'okusenya amannyo okusobola okusenya amannyo gange, mazima ddala. Mmwebaza ku lwa buli kimu, kubanga ebirungi byonna biva eri Katonda.

73 Naye muleke mbabuulire, tewali ttondo lya ddagala lyonna lyali liwonyezza ndwadde n'emu. Era tewali musawo n'omu, mpozzi nga musawo mufere, naye omusawo yennyini omutuufu ajja kukugamba nti bo nga abasawo si be bawonya. Wano wennyini ku ddwaliro lya Mayo Brothers, bangi ku mmwe. . . Baakambuulizaayo ebibuuzo, emirundi nga ebiri oba esatu. Ku bikwata ku balwadde abaavayo, nga balina endwadde ezitalina ddagala. . . Mwasoma akatabo ka *Reader's Digest*, akaafuluma mu Noovemba? Bameka abaasoma akatabo ako akaafuluma mu Noovemba, ebyampandiikibwako mu katabo ako, aka *Reader's Digest*? Mukiraba? Bampita ne ŋŋendayo, ne bambuuza ebibuuzo ebikwata ku mwana oyo gwe baali baagoba. Nga bagamba nti, "Tasobola kulongoosebwa." Naye Omwoyo Omutukuvu n'ayogera nange n'antegeeza engeri gye yali ow'okulongoosebwamu, era n'alongoosebwa. Kale. Kati, bampita ne ŋŋendayo. Era waggulu awo wennyini ku mulyango Jimmy ne banne we bali, Mayo we yabeeranga, waliwo ekipande ekinene ennyo ekigamba nti, "Tetugamba nti tuwonya. Wabula tuyambako buyambi ku butonde. Omuwonya ali omu yekka, era ye Katonda." Abo be basingayo mu nsi yonna. Kati, weewaawo, tulinamu abafere abatonotono. Ekyo ddala kituufu. Ne mu babuulizi, namwo tulinamu abafere. Kale. N'olwekyo, ekyo kiri ku njuyi zombi.

74 Mwekkaanye, naye omuntu yenna agamba nti muwonya, aba anyumya bunyumya mboozi, kubanga tasobola kukikola. Kubanga Bayibuli egamba nti, "Nze Mukama Asonyiwa ebibi byo byonna era awonya endwadde zo zonna."

75 Mbaddeko mu bifo gye bakolera okunoonyereza ku bintu eby'enjawulo. Ne mu kisenge kyange mwennyini, a. . . abamu ku basawo abasingayo obulungi okwetoloola amawanga

ag'enjawulo bazzenga. Tomanyi bigenda mu maaso mu bulamu, mukwano gwange, singa omanya ebintu ebibaddewo, n'ebintu bye soogerako mu lujjudde. Abasajja bajja mu nkukutu. Kati temulowooza nti tewaliiyo ba Nikodemu abayitirivu mu nsi; gye bali bayitirivu, nkumi na nkumi. Babiraba ebyo nga bigenda mu maaso ne bajja mu lukuŋŋaana. N'atuula eyo nga ayambadde omujoozi, oba ekintu bwe kityo, n'amannya ag'ebitiibwa g'oyinza n'okwewuunya, naye n'atuula mu lukuŋŋaana. Oluvannyuma lw'ennaku ntono ne yebbirira n'akuba essimu mu nkukutu, n'abaako ne gw'asindika okujja okukusisinkana. N'akugamba kaakano, nti, "Ow'oluganda Branham, nzikiriza nti Ago ge Mazima." Nabo bantu nga ffe. Mazima ddala. Era buli muntu yenna ayaayaana okutunula ebusukka-ggiggi eryo eriddugavu emitala eri gy'ateekwa okugenda olumu ku nnaku zino.

76 Naye ebintu ebyo bi kookolo n'ebintu bino ddala zi dayimooni zennyini ezeekwese mu mubiri ogw'ennyama, nga zigenda zirya, zimalawo obulamu bwo.

77 Kati, ssinga mba wa kukola nga omusawo, ssinga nkisalako, ne nkissa wansi . . . Oba, kiringa, ka tugambe, eky'okulabirako, singa ggwe obadde kookolo, ggwe kennyini, nga oli ku nsi eno. Kati, okuwonyezebwa kw'Obwakatonda bwe kuti bwe kubaawo. Bwe nnandyagadde okukusaanyaawo nga nkozesa enkola y'omusawo, nnandi . . . omubiri gwo nnandigukuuse bukuusi, oba okubaako ekintu ekirala kye ngukola, okutuusa gwonna lwe gwandiggwereddewo ddala ne guggwa ku nsi. Tewandisigaddewo yadde akatundu kaagwo, mu ngeri y'emu nga omusawo bw'akusalako ekinyama ekyo ekiba kikumezeeko. Naye okuyita mu nkola ey'okuwonyezebwa okw'Obwakatonda, singa obadde kookolo, nnandikusiseemu busisi obulamu bwo ne bukuvaamu, ggwe n'osigala nga wooli. Obulamu bwo bwandikuvuddemu, naye omubiri gwo gwandisigadde wano nga gulinga bwe gubadde.

78 Kati, awo okulaba awamu n'obudde we bibeerera omulabe wa Katonda asingayo obubi mu kuwonyezebwa okw'Obwakatonda. Simanyi oba Ow'oluganda Baxter ebintu bino abisisinkana mu lukuŋŋaana. Nnatuula, ne mbibannyonnyola ye n'Ow'oluganda Bosworth, emirundi n'emirundi. Naye kiikino ekyabaawo. Mbuusabuusa oba bangi ku bantu bakitegeera, kubanga, oluvannyuma lw'akaseera, weesanga nga abantu bakomawo, nga bagamba nti, "Nnafuna okuwonyezebwa kwange, Ow'oluganda Branham, okumala ennaku nga bbiri oba ssatu, naye, Katonda aweebwe omukisa, naye ate ne—ne kunvaako." Era nkizudde nti, era ndowooza nti kiva ku kuba nti olukuŋŋaana tebalutegeka bulungi. Abantu tebakitegeera. Mbaddeko n'abasajja abaleeteddwa ku kituutu nga tebalabirako ddala yadde, nga balina bi kookolo, oba nga balina ensenke ku maaso, naye ne basoma Bayibuli

eno oluvannyuma lw'okusabirwa, ne batambula ne bavaawo okuddayo; naye mu nnaku nga ssatu oba nnya ne baba nga tebalabirako ddala yadde nga bwe baali mu kusooka. Kiki ekiba kibaddewo? Omuntu yenna akimanyi nti obulamu bwe buba buvudde mu mubiri ogw'engeri yonna, omubiri ogwo bwe wayitawo akaseera gweveera. Si bwe kiri?

79 Waliwo omuntu yenna, wano, eyali asse ku mpeewo, oba ente, oba ekintu kyonna bwe kityo? Weemuli. Kale. Ggwe kipime akawungeezi ka leero, mmwe abayizzi abali wano, mikwano gyange. Genda otte empeewo ogisse ku minzaani, otegeeze b'oli nabo obuzito bwayo. Wekkaanye! We bunaakeerera ku makya ejja kuba esaze kiro eziwerako okusinga ku bwe yabadde ezitowa. Omuntu bw'afa, oyo aziraga emirambo, ekisooka, omulambo gw'omuntu oyo aguggyamu amannyo agatali ga butonde oba eriiso, oba kyonna ekiba kiri mu muntu oyo, n'akimuggyamu; kubanga, omulambo ogwo gweveera, kale biba bijja kusowokamu kubanga omubiri gw'omuntu gweveera. N'omubiri gw'ekintu ekirala kyonna nagwo gweveera. Obulamu bwe buva mu katoffaali, katandika okwemiima, ne keeveera. Ekyo gujja kukikola okumala essaawa nga nsanvu mu bbiri. Oluvannyuma gutandike okuzimba. Leka wabeewo akabwa akatomerwa, wano ku luguudo. Leka omutulumbi gwako gusigale awo mu musana okumala ennaku nga ssatu, olabe ekinaabaawo. Omutulumbi gw'akabwa ako gujja kuba munene nnyo okusinga bwe kaali. Guzimba ne gwewaga. Si bwe kiri?

80 Kati nno, ekyo kye kintu kye kimu ekibaawo o—omuzimu bwe gugobebwa okuva mu muntu omulwadde. Ennaku entono ezisooka abeera agamba nti, "O, mpulira bulungi nnyo." Bw'ava awo n'atandika okugamba nti, "Mpu—mpulira ndi mulwadde nnyo okusinga—okusinga ne bwe nnali. Okuwonyezebwa kwange nkuvuddeko." Nga bwe kiri ekikakafu nti okukkiriza kwagugoba ne gumuvaamu, obutakkiriza bugukomyawo nate. Nga okukkiriza bwe kugutta, obutakkiriza buguzuukiza. Yesu yagamba nti, "Omwoyo omubi bwe guva mu muntu, gutambulatambula mu nsenyi enkalu ne gukomawo ne dayimooni endala musanvu." Era mukama w'ennyumba omulungi bw'asangibwa nga tayimiridde awo kukuuma luggi olwo, gujja kudda guyingire. Era mukama w'ennyumba yo omulungi kwe kukkiriza kwo. Kugamba nti, "Genda eri!" Ky'ekyo.

81 Naye kati tunuulira omulwadde awonyezeddwa, mu ngeri eya bulijjo, nga si mu ngeri ya kyamagero eky'enkukunala. Kubanga, okuwonyezebwa okw'Obwakatonda n'ekyamagero biri ebintu bibiri eby'enjawulo. Okuwonyezebwa okw'Obwakatonda, kintu kimu; n'ekyamagero kintu kirala. Naye mu nkola eya bulijjo ey'okuwonyezebwa okw'Obwakatonda, omwoyo omubi bwe gugobebwa, dayimooni ya kookolo, bw'eva ku muntu, "O!" Kati, oba leka tugambe

tugenda kubaako ekintu kye tugerezaako musobole okufuna ekifaananyi ekirambulukufu, leka nkozese, ensenke ku maaso. Omuntu oyo kiki ekiba kyamutuukako . . . Bwe weetegereza omuzibe w'amaaso. Kati, simanyi oba nnina gwe nnali nsabiddeko wano oba nedda, omuntu alina ensenke ku maaso. Nsooka ne mmuleka n'ayimirira okumala eddakiika entonotono. Lwaki? Okweveera kuli kusobole okutandika okubaawo. Oluvannyuma ne mmugamba akomewo, atuwe obujulizi. "Bannaaye, bannaaye!" Nga alaba bulungi nnyo ddala. "Bannaaye, bannaaye! Kati, ebintu mbiraba! Yee! Nso . . . " Kiki ekiba kibaddewo? Obulamu bubeera buvuddemu; nga omubiri gw'ensenke gugenda gweveera. Kati, lijja kubeera bwe lityo okumala ennaku eziwerako. Nga agamba nti, "O, ŋŋenda ntereerera ddala."

82 Naye bwe wanaayitawo akaseera, atandike okulumwa omutwe, nga teyeewulira bulungi. Agolokoke amakya agaddako nga agamba, "Neera nzizeemu okuba nga sikyalaba."

83 Wabeewo abamugamba nti, "Uh-huh, wali okyamuukiridde bukyamuukirizi. Ekyo ekibinja ky'abatukuvu abeevulunga baakucamuukiriza wenna n'ocamuukirira." Ekyo tokikkiriza! Obwo bulimba bwa ssetaani. Bw'onaakikkiriza, ojja kuddamu obeere nga tokyalaba.

Naye bw'onaalemerako, n'ogamba nti, "Nedda. Mukama, nzikiriza."

84 Kati kiki ekibaawo? Omubiri ogwo guzimba okumala ekiseera. Ne guddamu ne gubikka eriiso lyo n'oba nga tolaba. Omubiri gwa kookolo oyo ali mu mubiri gujja kuzimba. Ojja kuddamu owulire obulumi n'okulumizibwa. Oluvannyuma weeyongerere ddala okuba obubi, ennyo ddala. Lwaki? Ekibiri ekyo ekinene eky'ennyama enfu ekikulimu kiri awo, kifu.

85 Oddeyo, ew'omusawo akugambe nti, "Ha, leka naawe ebyo temuli makulu. Kookolo mw'ali wuuyo awo. Mmulaba." Weewaawo, kwo okubaawo weekiri, naye kifu. Aleeruuya!

86 Kati, omusaayi gulina okulongoosa omubiri. Buli mulundi omutima lwe gukuba, gusindika omusaayi ku kitundu ky'omubiri ekyo, omusaayi ne gukulukusa obuwuka obwo ne gugenda nabwo. Weewaawo, kijja kukulwaza. Watya singa obadde n'ekifi ky'ennyama ekirina we kiwagamidde munda mu mubiri gwo, oba nga obuwanvu kyenkana nga omusota, oba ekintu ekinene ekyenkana nga olugalo lwo, nga kiri munda omwo kirina we kiwagamidde, ate nga kifu, ekifi ky'ennyama enfu ekyenkana awo nga kiwagamidde munda mu mubiri gwo, nga ate kiri mu kuvunda? Kati, weewaawo, omusaayi gwo ebyo guliwo kubirongoosa kubiggyamu, nga bwe guyita mu misuwa. Naye waliwo ekinyama ekifu, ekintu ekirina we kiwagamidde munda muli, kubanga obulamu bwakivaamu. Amaanyi ga

Katonda, okuyita mu kukkiriza, obulamu obwo gaabugoba ne bukivaamu. Obulamu obwo ebeera dayimooni; erina okuvaawo.

87 Naye, omutawaana guli nti, abantu tebaluŋŋamizibwa ku kiki kye balina kukola. Bwe bavaawo ne baddayo, nga babivaako. Ate dayimooni y'emu eyo ebeera eyimiridde awo nga egumbye, erinze kuddamu kweddiza ttwale lyayo. Katonda bw'abaako ekintu kyonna ky'akugamba okuva ku kituuti kino, okuyita mu Mwoyo We, wansi w'amafuta ag'okuluŋŋamizibwa, ekintu ekyo togeza n'okibuusabuusa, oba si ekyo ekintu ekisingawo obubi kijja kukutuukako, bw'atyo bwe Yagamba. Kubanga Yesu yagamba nti, "Embeera y'omuntu oyo ey'oluvannyuma yafuuka mbi nnyo emirundi musanvu okusinga bwe yali mu kusooka." Si bwe kiri? Omwoyo omubi bwe guva mu muntu, gutambulatambula mu nsenyi enkalu, oluvannyuma ne gukomawo ne dayimooni endala musanvu. N'olwekyo, togeza obutakkiriza. Kinywerereko. Kitegeeze, okuviira ddala mu mutima gwo. Gamba nti, "Nedda ssebo! Sijja kusagaasagana! Ne bwe nneeyongera okuba obubi, ekyo tekikirinaako kakwate konna." Era, onaagenda okulaba, nga ogenda otereera. Buli kimu kijja kugonjoolwa. Okiraba, kifu. Oku—okulongoosebwa omusawo kwe yandikukozeeko okubaako ne ky'asala, ekibiri ekyo kye kimu kikyakulimu, wabula tekiriimu bulamu.

88 Oyinza okumbuuza nti, "Tekiriimu bulamu mu kyo, Ow'oluganda Branham, olwo tekiitwale bulamu bwange?" Nedda ssebo. Buli obulamu bwakyo bulamu bulala ku bubwo. Nnaakamala okubalaga nti oli bulamu obwafuukamu ekitonde ekiramu, na bwe kityo na buno nabwo bulamu obufuukamu ekitonde ekiramu; naye ggwe oli wa Katonda, ate kyo kya ssetaani. Mulaba kye ntegeeza? Engeri emizimu gye gikolamu. Kati, musaana mulabe ekintu ekyo bwe kifaanana bw'oyimirira n'okyekkaanya.

89 O, bannange, munsonyiwe, kyenkana zibulako katono okuwera essaawa essatu n'ekitundu. Munsonyiwe. Mulabeeyo, ab'emikwano. O, ensi eno kye yeetaaga!

90 Ndowooza nnaakamala emyaka nga musanvu, nga ntalaaga Amerika nga njigiriza, nga nkola enkuŋŋaana zino ez'okuwonyezebwa. Nnaakafuna ensonga entuufu ey'okutandika okuddamu okutalaaga eggwanga, nga njigiriza Bayibuli, n'engeri emizimu gye gikolamu, okuyigiriza abantu basobole okutegeera eky'okukola. Era eyo y'ensonga lwaki, bagenda mu nkuŋŋaana zino, emirundi mingi, ne, wabaawo omusajja . . . Bw'oba tokitegeera bulungi, abantu bavaayo, ate emirundi mingi . . .

Kati, mujjukira omusajja oli eyajja n'agamba nti alina ekirabo eky'okuwonyezebwa okw'Obwakatonda? Ekirabo ky'okuwonyezebwa okw'Obwakatonda kyakulimu bw'oba wawonyezebwa. Ye ggwe, kirabo ekyo. Buli kirabo kyonna

kikola lwa kukkiriza. Era ka mbeere n'ekirabo eky'okuwonya okw'Obwakatonda ekyenkana wa, nja kukikkiriza n'omutima gwange gwonna, naye osobola okuyimirira wano naye, bw'onaaba tolina kukkiriza kwa ngeri y'emu, tekirina kalungi konna ke kijja kukukolera. Nsobola okukusabira, okumala essaawa n'essawa ne wiiki n'emyezi. Ababuulizi si be balina okuwonyezebwa okw'Obwakatonda. Ggwe alina ekirabo eky'okuwonyezebwa okw'Obwakatonda, ggwe akkiririza mu kuwonyezebwa, kubanga kubaawo lwa kukkiriza. Kubaawo lwa kukkiriza! Buli kimu kyonna Katonda ky'akola kibaawo lwa kukkiriza.

91 Eby'okulwanyisa bya Katonda byonna bikola lwa kukkiriza. Tetulina kintu n'ekimu kya butonde eky'ensi eno. Buli kintu kyonna ekyekuusa ku—ku kkanisa y'Ekikristaayo kikolwa kya kukkiriza. Tunuulira eby'okulwanyisa bya Katonda: okwagala, essanyu, emirembe, obugumiikiriza obutakeŋŋentererwa, obulungi, obuteefu, obukkakkamu, obugumiikiriza. Si by'ebyo? Buli kimu ku byo kisukkulumye ku by'obutonde, tekuli n'ekimu kya butonde. N'olwekyo tetutunuulira bintu bya butonde, kubanga tukolera mu bisukkulumye eby'obutonde. Era engeri yokka kwe tusobola okubyesigamya, kwe kubyesigamya ku kukkiriza, kwe kubyesigamya ku ekyo Katonda kye yagamba nti ge Mazima, ne tutunuulira Ebitalabika. Ne tuyita ebintu ebyo ebitaliiwo, nga ebiriwo; nga Ibulayimu bwe yakola, n'abifuna. Amiina! Ebintu ebyo ebitaaliwo Ibulayimu yabiyita, nga ebiriwo, nga Katonda bwe yabiyita. Ne bwe yaweza emyaka kikumi, teyabuusabuusa mu kusuubiza kwa Katonda mu butakkiriza.

92 Ekyo muli nsobola okukubamu akafaananyi bwe kyali, ggwe tokubamu akafaananyi bwe kyali? Ndaba Saala nga azuukuse lumu ku makya. Katonda n'ayita nti, "Ibulayimu!" N'amugamba nti, "Ibulayimu, ogenda kuzaala omwana."

93 Saala n'azuukuka. N'amubuuza nti, "Owulira otya, Saala?" Kino kibiina ekirimu abantu ab'emyaka gyonna, naye muwulirize.

"Ssirinaawo njawulo."

94 "Weewaawo, ekitiibwa kibe eri Katonda, tujja kumuzaala! Genda ogule akagoye ak'obutolobojjo n'ebikwanso bya nnappi, na buli kimu. Weetegeke."

Kale, omwezi omulala ne guyitawo. "Saala, owulira otya?"

"Ssirinaawo njawulo."

Omwaka ne guyitawo. "Saala, olina ky'owulira kyonna?"

"Ssirinaawo njawulo."

Emyaka kkumi n'etaano ne giyitawo. "Ssirinaawo njawulo."

Emyaka abiri mu etaano ne giyitawo. "Ssirinaawo njawulo."

95 Ibulayimu, mu kifo ky'okunafuwa, yeeyongeranga bweyongezi kuba mugumu. Yakitegeera nti kigenda kuba kyamagero kya maanyi buli kiseera ekiyitawo, kubanga yakkiriza Katonda, n'atabuusabuusa kusuubiza kwa Katonda mu butakkiriza. Yagamba nti, "Tujja kumuzaala!" Era lumu ku makya olubuto lwa Saala ne lutandika okuzimba, oluvannyuma Isaaka n'azaalibwa, kubanga Ibulayimu yakkiriza Katonda. Era yatunuulira ebintu, n'atwala ebintu ebyo ebitaaliwo nga ebiriwo.

96 Si lwa nneewulira, si lwa by'olaba. Totambula nga ogoberera nneewulira oba by'olaba. Otambula lwa kukkiriza. Na bwe kityo Katonda bw'abaako ekintu kyonna, ky'ayogera n'agamba nti, "Kyonna ky'osaba, bw'osaba, kkiriza nti okifunye," kati awo kinywerereko. Bw'atyo Katonda bwe yayogera, kiteekwa okuba bwe kityo! Amiina. Emizimu!

> Okukkiriza mu Kitaffe, okukkiriza mu Mwana,
> Okukkiriza mu Mwoyo Omutukuvu, essatu mu oyo Omu;
> Emizimu gijja kukankana n'aboonoonyi bagolokoke;
> Okukkiriza mu Yakuwa kujja kuyuguumya ekintu kyonna.

Bwe kiri. O, bannange! Ddala bwe kiri. Beera n'okukkiriza mu Katonda. Amaaso gatunuulize Ye. Tosagaasagana. Sigala awo wennyini. Katonda bw'atyo bwe yayogera!

97 Kati, emizimu, kiki kye giri? Bitonde eby'omwoyo. Kati, o—omusawo ye ajja kukugamba nti, "Olina kookolo. Olina akafuba. Olina ensenke. Olina obulwadde bw'amawuggwe. Olina *kino*." Ogwo muzimu. Bulamu, era emabega w'obulamu obwo waliyo omwoyo. Bameka abakimanyi era abasobola okukiraba nti kookolo, ensenke, birina—birina . . . Nti mwoyo, birimu—birimu obulamu mu byo. Kati, tewali kiyinza kuba na bulamu nga tekiriimu mwoyo, olaba, n'olwekyo wateekwa okubaawo obulamu obufuga ekintu ekyo, awantu awamu.

98 N'omuti ogwo nagwo gulimu obulamu munda mu gwo. Ssaayansi yenna ali mu nsi tasobola kukola yadde akaddo akamu bwe kati. Ekyo mubadde mukimanyi? Basobola okukolayo ekintu ekikafaanana, naye tebasobola kufuna nkola bulamu mwe busibuka. Oyo Katonda. Mukiraba? Yesu yagamba omuti nti, "Okolimiddwa. Toliiko kibala kyonna, era tolibala kibala kyonna." Ne baddamu ne bayitawo. Kiri kyabaawo ku ssaawa nga bbiri ku olwo ku makya. Ne baddamu ne bayitawo ku ssaawa nga ttaano ekiro, nga bagenda okulya eky'eggulo. Peetero n'agamba nti, "Mulabeeyo omuti guli, gwakaze okuviira ddala ku kikolo." Lwaki? Yesu yanenya obulamu obwali mu muti ogwo, obwali mu mirandira, era gwonna ne gufa. Aleeruuya!

99 Kristo y'omu oyo asobola okunenya kookolo okuviira ddala ku kikolo, era ekintu kyonna kijja kufa. Omuti ogwo gwali gukyesimbye nga bwe gwali, essaawa ntono emabegako, naye osanga gwatandika okunogokako ebikoola nga bwe bigwa, okugira kuti nga n'ekikuta kitandise okususumbukako. N'e. . . Ne gutandika okuggwaawo, lunaku ku lunaku, wiiki ku wiiki, era oluvannyuma lw'akaseera nga tewali wadde akatundu akamu ak'omuti ogwo akakyasigaddewo. Aleeruuya! Kookolo, ekizimba, ensenke, oba ekintu ekirala kyonna, biba birina okugenda Kristo bw'ayogera. Yagoba emizimu. Era n'Agamba nti, "Mu Linnya Lyange banaagobanga emizimu, banaayogera ennimi empya, bwe banaakwatanga ku misota, oba ne banywa ekintu kyonna ekitta, tekiibakolenga kabi. Bwe banaateekanga emikono gyabwe ku balwadde, banaawonanga."

100 Mumwagala? Munsonyiwe mbalwisizzaawo nnyo olw'eggulo lwa leero, nga mutudde wano. Mukama Mumwagala? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Kati kiki ekigenda okubaawo? Bw'okkiriza Kristo nga omuwonya wo, n'okkiriza mu mutima gwo nti waliwo ekibaddewo mu ggwe, era n'okkiriza nti owonyezeddwa, onakkiriza nti owonyezeddwa? Tokkiriza ssetaani kubaako kintu kyonna ky'akugamba. Genda bugenzi mu maaso.

"Dokita," bw'obuuza—bw'obuuza omusawo nti, "dokita, kirabika kitya?"

N'akugamba nti, "Nkiraba, kikyaliwo."

101 Ggwe mu mutima gwo obeera omanyi ekyabaddewo. Huh! Mu kaseera katono, ajja kukubuuza nti, "Naye, nneebuuza kiki ekyatuuse ku kintu ekyo?"

102 Awo omugambe nti, "Labayo eno, dokita, ŋŋenda kukikubuulira. Kiikino ekyabaddewo, Yesu Kristo yamponyezza. Bwe kiri. Yesu Kristo yamponyezza."

103 Kale, leka tukoteke emitwe gyaffe okumala akaseera. Ow'oluganda Willett, osobola okujjako wano katono, ow'oluganda?

104 Kaakano, Kitaffe ow'omu Ggulu, tukwebaza olw'Omusaayi gwa Kristo. Era ob'olyawo wabaawo oluusi omuweereza Wo, ayi Mukama, lw'atakozesa magezi, n'ayogerera ebbanga ddene bwe lityo. Naye ob'olyawo nnyinza okuba mpulira nga Pawulo, lumu eyabuulira ekiro kyonna. Omuvubuka omu n'awanuka waggulu mu ddirisa n'agwa wansi n'afa. Era omutume oyo, eyalina Ekigambo kya Katonda mu bulamu bwe, n'agenda n'agalamiza omubiri gwe ku muvubuka oyo, n'addamu nate obulamu n'aba mulamu.

105 Ayi Katonda omwagalwa, ndaba nga enjuba y'omulembe guno ogw'ekitalo kaakano egwa mu nnyanga, eggwereddeyo ddala, ekitundu ky'olunaku ekisooka kiweddeyo, ebisiikirize eby'akawungeezi bigwa. Omusana ogw'ekitalo guvaayo okuva

mu Bwakabaka bwa Katonda, okujja okutwala ekifo kyagwo eky'ekizikiza kino ekinene ekijja ku nsi. Ayi Katonda, ndaba nga nneeyongera okukaddiwa buli lukya. Nnyamba nneeyongere mu maaso, ayi Mukama. Mpa amaanyi. Nnyamba mbuulire Amazima gano ag'ekitalo buli wamu wonna. Tuyambe, enkya olw'eggulo, tubeeko ebisingawo bye tweyongera okutegeera.

106 Era, ayi Katonda omwagalwa, wa omukisa ekibiina kino ekitono eky'abawuliriza olw'eggulo luno. Akawungeezi ka leero, bwe banaakuŋŋaana mu lukuŋŋaana olw'okuwonyezebwa, leka buli musajja na buli mukazi akyukire munne ayogere, amugambe nti, "Kati, kola kino . . . to—toba na kubuusabuusa kwonna. Kati tutegedde gye kisibuka. Tukimanyi nti muzimu. Era tukimanyi nti bwe gugenda, Katonda bw'agulagira guteekwa okugenda. Guteekwa okugenda. Katonda bw'atyo bwe yagamba. Guteekwa okugenda." Era, leka bafulume, nga basanyufu, nga bajaguza, nga balangirira okuwonyezebwa kwabwe. Tewali kintu kyonna, leka waleme kubaawo kintu kyonna, kiddamu, kwekiika mu kkubo lyabwe; wabula, leka bagende nga bakkiriza.

107 Era, ayi Katonda, ekkanisa eno entono, wamu n'amakanisa gano agakolaganye awamu, leka gabeere n'okudda obuggya oluvannyuma lw'olukuŋŋaana luno, ayi Mukama, okunaagajjuza gakubeko, era wabeerewo ebikumi n'ebikumi by'emmeeme ezireetebwa mu Bwakabaka bwa Katonda. Kituwe, Kitaffe. Leka abasajja n'abakazi abali wano, abavudde mu mawanga amalala n'ebitundu ebirala, leka bazzeeyo Obubaka mu makanisa gaabwe, era leka babeere n'okudda obuggya okw'enkola eri enkadde. Kikole, ayi Mukama. Kaakano tusonyiwe ebibi byaffe. Tuyambe okubeera abaweereza Bo. Mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

108 Simanyi, oba nga bwe mutudde wano, waliwo omwonoonyi yenna mu kizimbe leero, agamba nti, "Ow'oluganda Branham, nzijukira mu kusaba"? Osobola, osobola okuyimusa omukono gwo? Waliwo omuntu omwonoonyi? Ssi . . . Katonda akuwe omukisa, nnyabo. Waliwo? Katonda akuwe omukisa, ssebo. Naawe, naawe, naawe, Katonda abawe omukisa. Ssimanyi oba mu . . . Kati, kino kigenda eri mmwe.

109 Mulabeeyo, sikkiririza mu kugenda mu kibiina. Abalala abakikola sibavumirira. Naye sikkiririza mu kugenda mu kibiina n'ogezaako okusikayo omuntu. Mukiraba? "Tewali muntu ayinza kujja, okuggyako nga Kitaffe y'Amuleese." Mukiraba? Bwe kiri. Awo obeera owaliriza muwalirize naye nga ye tayagala. Okiraba? Naye Katonda bw'akonkona ku mutima gwo, ggwe muntu asingayo okuba ow'omukisa mu nsi yonna. Mmwe temumanyi bantu benkana wa be njogedde nabo.

*Okuyiga Ku Nkola y'Emizimu —*
*Omutendera Ogw'Omubiri* LUG53-0608A
(Demonology — Physical Realm)
Obubaka Bw'Okuyiga Ku Nkola y'Emizimu obuddiriŋŋana

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Mmande olw'eggulo, nga 8 Jjuuni, 1953, mu kizimbe ekikuŋŋaanirwamu ekya Roberts Park Amphitheater ekisangibwa mu Connersville, Indiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2023 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

## Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org